ASb approved



# Nora agula obuwuzi

Ebitabo bya Zebra Ebitono

Mirjam Gyger

Luganda


African Storybook.org



Ono ye Nora

Nora atunga.


Nora atunga sikaati.



Nora atunga n’obuwuzi.

Obuwuzi buggwaawo. Nora yeetaaga okugula obuwuzi obulala.

Nora yeetaaga ssente okugula obuwuzi. Ssente anaaziggya wa?



Nora alaba omuti.

Omuti guli kumpi.
Omuti gulina ebibala.

Ebibala bya mapaapaali.
Amapaapaali gawooma
nnyo.



Nora alina akaggo.

Afuna amapaapaali.



Nora atuuse mu katale.

Atuuka mu katale
n’amapaapaali.

Ayagala kutunda
amapaapaali gano.




Laba omusajja oyo. Omusajja agula amapaapaali. Awa Nora ssente.

Nora atunda amapaapaali mangi. Agenda kugula wuzi ne ssente ezo.




Mu katale alaba amenvu.

Tagula menvu.



Mu katale alaba ennyaanya.

Tagula nnyaanya.



Mu katale alaba akasengejja

Tagula kasengejja.



Mu katale alaba omugaati.

Tagula mugaati.



Awo Nora n’alaba omusajja.

Omusajja atunda wuzi.

Nora agula obuwuzi.



Nora alina obuwuzi!
Musanyufu nnyo.

Ajja kumaliriza okutunga sikaati ye n’obuwuzi.

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaananyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

Nora agula obuwuzi

Omuwandiisi -- Ebitabo  bya  Zebra Entono
Omukubi we bifananyi -- Mirjam Gyger

Olulimi -- Oluganda
Omutendera -- Ennyiriri  ezisooka

© Ekitabo ky' Emboozi z' Afirika 2018
Ebiwandiiko ebiyiiya: Okuwandiika 4.0
Ensibuko ya  www.africanstorybook.org
Ensibuko eyasookace © 2016 Mercy Air/JPCUM

2026.07.10